# Omujulizi alaze engeri Okello gye

Bya MARGRET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA

ABAJULIZI mu musango gw'ebyafaayo ogw'okutta abaana e Ggaba kati baweze 10. Omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha y'ali mu mitambo gy'omusango guno oguvunaanibwa Christopher Okello Onyum (39) ate nga Jonathan Muwaganya y'akulembeddemu oludda oluwaabi ng'ayambibwako Anna Kiiza. Richard Kumbuga ne Sarah Awelo be balooya Gavumenti be yawa agambibwa okuba omutemu. Omusango guno *Bukedde* agukutuusaako kigambo ku kigambo balandiroodi ba Okello bye baategeezezza kkooti:

**Omulamuzi:** Ab'oludda oluwawaabirwa mubuuze bwe muba mulinayo ebibuuzo.

**Kumbuga:** Nga April 2, 2026 wali ludda wa?

**Juma:** Nnali wange.

**Kumbuga:** Ewuwo wa?

**Juma:** E Namasuba Ndejje

**Kumbuga:** Omuwaabi wa Gavumenti akuwe siteetimenti yo. Olabye omuko ogusooka? Waliwo erinnya lyo (Juma). Genda ku luddako waggulu waliwo erinnya lyo (Juma). Olirabye?

**Juma:** Yee, ndirabye.

**Kumbuga:** Bala okutandikira waggulu layini mukaaga.

**Omulamuzi:** Juma yeeyo siteetimenti yo.

**Juma:** Yeeyo

**Mulamuzi:** Wagikola ddi?

**Juma:** Nga April 11, 2026.

**Kumbuga:** Poliisi ye yagikola?

**Juma:** Sijjukira.

**Kumbuga:** Genda ku muko ogusooka. Olabye awali ekigambo USA?

**Juma:** Siraba bulungi.

**Kumbuga:** Ka nkusomere. Omuntu oyo gwe 'twadiiringa' naye yali mu mbeera nnungi. Walina obukugu bwonna okumanya nti, gw'okolagana naye yali mu mbeera nnungi?

**Juma:** Nedda sibulina.

**Kumbuga:** Ono omujulizi sirina kye mmubuuza kirala.

**Muwaganya:** Wagamba gwe 'wadiiringa' naye yali mu mbeera nnungi. Wasinziira ku ki okugamba nti, yali bulungi?

**Juma:** Okusinziira engeri gye yatutuukiriramu, ng'ayogera biki bye yali yeetaaga. Ndowooza omulalu tayinza kugenda ku mutimbagano n'abuuza, n'anoonya buyambi ku yintaneeti. Omulalu tasobola kuweereza ssente kuyita mikutu egy'enjawulo.

**Muwaganya:** Mikutu ki gye watunuulira?

**Juma:** Mobile Money.


**Muwaganya :** Waliwo ekirala?

**Juma:** Omulalu tasobola kuweebwa layisinsi emukkiriza kuvuga mmotoka. Byebyo.

**Omulamuzi:** Nnina ekibuuzo kimu kyokka. Juma 'kirayanti' bw'ajja osobola okumuwa emmotoka nga layisinsi yaggwaako.

**Juma:** Nedda y'ensonga lwaki tusooka ne tugikebera.

**Omulamuzi:** Juma weebale kujja.



Abaserikale b'amakomera nga batuusa Okello mu kkooti. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

## OMUJULIZI OWOOMWENDA

**Paul Mukasa (43). Mbeera Bbunga -Makindye mu Kampala.**

**Kiiza:** Okola mulimu ki?

**Mukasa:** Nkolera mu Owino, ntunda ngatto.

**Kiiza:** Omwami oyo omumanyi?

**Mukasa:** Mmumanyi.

**Kiiza:** Omanyi amannya ge?

**Mukasa:** Ye Okello.

**Kiiza:** Wajja otya okumumanya?

**Mukasa:** Yajja okupangisa ennyumba mu November wa 2025. Ne mmugamba ennyumba ya mitwalo 15 n'amasannyalaze emitwalo ebiri. N'ang'amba alinawo omwezi gumu.

**Kiiza:** Ennyumba zisangibwa wa?

**Mukasa:** Bbunga. Yang'amba mmuweemu wiiki bbiri ajja kuba aleese bbaalansi.

**Kiiza:** Wali omugambye kusasula bbanga ki ez'ennyumba? Yali alinawo omwezi gumu?

**Mukasa:** Namugamba asasule emyezi esatu.

**Kiiza :** Genda mu maaso.

**Mukasa:** Yang'amba k'asasule gumu ajja kuleeta endala oluvannyuma lwa wiiki bbiri. Waali waakayita wiiki emu, n'aleeta endala. Bwe yaleeta ne mmubuuza nkuwe lisiiti n'ang'amba, nedda.

**Kiiza:** Yakozesa ki okusasula?

**Mukasa:** Yaleeta kaasi.

**Kiiza :** Bwe yamala okusasula yakomawo okusula mu nnyumba?

**Mukasa:** Yajja n'atandika okusulamu.

**Kiiza:** Akyali mupangisa ku nnyumba zo?

**Mukasa:** Nedda, yavaawo mu March wa 2026.

**Kiiza:** Ebbanga lye yali ku nnyunba zo yali akolagana atya ne baliraanwa?



Omu ku baabadde mu kkooti gye buvuddeko ng'ali mu nnyiike.

**Mukasa:** Yali mulungi, ng'ababuuzaako bw'asangawo abaana ng'ababuuzaako bulungi n'amala n'agenda.

**Kiiza:** Kiki ky'otegeeza?

**Mukasa:** Nneeyiba yalina omukozi yamuwanga empale nti, njolezaako bw'adda n'amusasula.

**Omulamuzi:** Tozzeemu, abaana yali azannya nabo?

**Mukasa:** Yababuuzangako naye baali tebategeera lulimi lw'ayogera naye ng'ababuuzaako n'agenda.

**Kiiza:** Wabadde otegeeza ki okuwa omwana ebintu?

**Mukasa:** Ng'amugamba okumwolezaako empale ye n'essowaani oluusi.

**Kiiza :** Waliwo ekirala?

**Mukasa:** Tewali.

**Kiiza:** Mu kiseera we yali ewuwo, yafunanga ku bagenyi abamukyalira.

**Mukasa:** Maama we yajja emirundi nga esatu okumukyalirako.

**Kiiza:** Yasulangawo?

**Mukasa:** Yamalangawo akaseera katono n'agenda.

**Kiiza:** Kiki ekirala kye walaba ng'omuwawaabirwa akola ng'oggyeeko engeri gye yali akwataganamu n'abaana ne baliraanwa?

**Mukasa:** Bwe yavanga ewuwe mpozzi yajjanga n'akadomola okusena amazzi n'addayo.

**Kiiza:** Amazzi ng'agasena wa?

**Mukasa:** Ku ttaapu awaka.

**Kiiza:** Mu kiseera we wabeerera naye, waliwo lwe yeeyisa mu ngeri eteri ya bulijjo?

**Mukasa:** Nedda

**Kiiza :** Byebyo tewali kirala.

**Awelo:** Olina obukakafu nti, yali ampangisizza ennyumba yo?

**Mukasa :** Sirina.

**Awelo:** Obeera okozesa luggya lwe lumu?

**Mukasa:** Yee.

**Awelo:** Ogenda ssaawa mmeka okukola?

**Mukasa:** Ku ssaawa nga mukaaga ne nkomawo ku emu ey'akawungeezi.

**Awelo:** Nnyonnyola engeri oluggya n'ennyumba gye zirimu.

**Mukasa:** Zaakola ekikomera zeetunuddemu.

**Awelo:** Ziri mmeka?

**Mukasa:** Ziri nga munaana.

**Awelo:** Olina obukugu bwonna ku bujjanjabi bw'obwongo bwonna?

**Mukasa :** Nedda.

**Omulamuzi:** Omusajja ono yasasula emyezi emeka?

**Mukasa:** Yasasula esatu era gye yamalawo ogwandibadde ogwokuna n'agenda.

**Omulamuzi:** Bwe yajja okupangisa ewuwo wafunako ekiwandiiko kyonna ekimwogerako?

**Mukasa:** Bwe yamala okusasula ne mmulagira agende ewa Ssentebe.

**Omulamuzi:** Yagendayo?

**Mukasa:** Yang'amba ajja kugendayo.

**Omulamuzi:** Wamanya omulimu gw'akola?

**Mukasa:** Nedda nnyabo.

**Omulamuzi:** Bwe wavangawo awaka wamulekawo oba ng'akusooka okuvaawo?

**Mukasa:** Yansookanga okuvaawo.

**Omulamuzi:** Mulina ebibuuzo ebiva mu bye mbuuzizza?

**Kumbuga:** Mukasa, guno gwali mulundi gwo gwa kumeka okukolagana n'omusajja ono?

**Omulamuzi:** Ekyo tekiva ku bibuuzo byange.

**Kumbuga:** Wayogedde ku Ssentebe? Wamwanjulayo?

**Mukasa:** Yang'amba ajja kugendayo.

**Kumbuga:** Ggwe wamutwalayo?

**Mukasa:** Nedda.

## OMUJULIZI OW'E 10

Joel Makaayi (31).

**Muwaganya:** Makaayi obeera wa?

**Makaayi:** Mbeera Kisaasi e Kigoowa mu Nakawa.

**Muwaganya:** Okola mulimu ki?

**Makaayi:** Maneginga Esiteeti za Sanwiza Estates Limited.

**Muwaganya:** Omaze bbanga ki mw'ogwo omulimu?

**Makaayi:** Emyaka musanvu.

**Muwaganya:** Omuwawaabirwa omumanyi?

**Makaayi:** Mmumanyi.

**Muwaganya:** Y'ani

**Makaayi:** Okello Christopher.

**Muwaganya:** Omumanyi otya?

**Makaayi:** Mupangisa wange e Kyanja.

**Muwaganya:** Yajja atya ewuwo?

**Makaayi :** Yajja ne bbulooka mu March w'omwaka guno ng'ayagala okupangisa ennyumba. Yagisangawo n'abuuza ebisale. Ne tumuganba ennyumba ya mitwalo 40 era emyezi gye tusookerako'giri ena n'akkiriza.

**Muwaganya:** Kiki ekyaddako?

**Makaayi:** Engeri gye yali azze ne bbulooka, namugamba ssente ze yali agenda okusasula aggyeko emitwalo 10 aziwe bbulooka, bbaalansi amuteeke ku akawunti okusasulwa ez'ennyumba. Yali alina okusasula 1,600,000/- wabula ku akawunti ng'assaako 1,500,000/- emitwalo 10 (kaasi) nga zaakusasula bbulooka.

**Muwaganya:** Kiki ekyaddako ng'omugambye engeri y'okusasula.

**Makaayi:** Yasaba akawunti nnamba.

**Muwaganya :** Wagimuwa?

**Makaayi:** Yagenda n'asasula 1,500,000/-

**Muwaganya:** Ekyaddako.

**Makaayi:** Yakomawo ne 'bbanka siriipu' n'agimpa n'emitwalo 10 ez'okusasula bbulooka.

**Muwaganya :** Ekyaddako?

**Makaayi:** Nnamusaba okussaako

# yali akolaganamu n'abaana

omukono ku ndagaano y'obupangisa. Ne mmusaba n'ebimu ku bimukwatako.
**Muwaganya:** Waliwo bye yakuwa?
**Makaayi :** Yampa ppaasipooti nga ya America ne layisinsi y'okuvuga nayo nga ya America.
**Muwaganya:** Genda mu maaso.
**Makaayi:** Nnamuwa ebisumuluzo.
**Muwaganya:** Ennyumba yagiyingira?
**Mukaakyi:** Nga tannayingira namusuubiza okumutwala ku LC mmwanjule nga omupangisa wange. N'ang'amba tekirina buzibu. Nnamuwa ebisumuluzo n'atandika okukozesa ennyumba. Waayitawo ennaku ne ng'endayo era namusangayo ne mmusaba okumutwala ku LC nga bwe nnali ng'ambye. N'ambuuza ku LC si wala? Ne mmugamba nti, si wala.
**Muwaganya:** Otyo.
**Makaayi:** Yakkiriza n'aggalawo ennyumba ye ne ng'enda naye ku LC.
**Muwaganya:** Mwagenda mutya ku LC.
**Makaayi:** Nnina pikipiki gye twakozesa ne mmuvuga.
**Muwaganya:** Ng'omutwala ku LC, waliwo ekyatuukawo?
**Makaayi:** Yambuuza bwe mba ndagirira omuntu okujja wano, mmulagirira ntya? Ne mmugamba, omugamba nti, agambe nti, *'Ng'enda kyanja Ku Ring Road'*. Ne mmubuuza ggwe obadde obeera wa? N'ang'amba abadde abeera Ggaba naye ng'obudde obusinga tabeera mu Uganda, nti abeera America. Byebyo bye twayogera.
**Muwaganya:** Mwasisinkana ani?
**Makaayi:** Twasisinkana Ssentebe.
**Mawaganya:** Ssentebe omumanyi?
**Makaayi:** Simujjukira.
**Muwaganya:** Kiki ekyaddako?
**Makaayi:** Ssentebe twamusangayo ne tumweyanjulira, ekirungi ennyumba omwami ze yali apangisizzaako yali azimanyi ne mmugamba nze avunaanyizibwa ku nnyumba ezo, era ne mmugamba ndeese mupangisa kumwanjula. Ssentebe n'amubuuza amannya ge n'amubuulira, Ssentebe n'ampa obuwandiike mmaze okumwanjula ku LC. Bwe twamala, twakomawo naye, ne mmutuusa ku nnyumba n'ambuuzā weetaagayo ku mafuta? Ne mmugamba, tafaayo nali nninamu. Awo n'agenda mu nnyumba ye nange ne nneeyongerayo okukola emirala.
**Muwaganya:** Waliwo ky'ogamba kkooti.
**Makaayi:** Nga wayise ennaku bbiri, yankubira n'ang'amba ayagala kkopi y'endagaano y'obupangisa ne mmugamba ng'enda kugimutwalira, n'ang'amba tekirina buzibu. Yang'amba nti, naye ebiseera ebisinga tatera kusiibawo n'ansaba bwe mba ngitutte ne simusangawo, ngirekere omuserikale ajja kumusanga nayo.
**Muwaganya:** Wagimutwalira nga bwe yali akusabye?
**Makaayi:** Nnali sinnagimuwa.
**Muwaganya:** Lwaki?


Abamu ku bantu abazze mu kkooti okuwulira omusango gwa Okello.


Omu ku balooya mu musango ngo ng'aliko by'ategeeza kkooti.

**Makaayi:** Endagaano si nze nteekako omukono, nnannyini nnyumba y'assako omukono olwo ne tumuwaako kkopi.
**Muwaganya:** Omuwawaabirwa bwe yali assaako omukono waliwo?
**Makaayi:** Nnaliwo.
**Muwaganya:** Ng'amaze okussaako omukono yasigala wa?
**Makaayi:** Nagisigaza.
**Muwaganya:** Wagikola otya?
**Makaayi:** Landiroodi yamala n'assaako omukono. Ne ngitwalira Okello.
**Muwanganya:** Waliwo?
**Makaayi:** Nnaliwo.
**Muwaganya:** Ani omulala eyassaako omukono?
**Makaayi :** Tewali
**Muwaganya:** Olina endagaano gye wassaako omukono?
**Makaayi:** Nnagiwa Okello.
**Muwaganya:** Ogambye wali tonnamuwa ndagaano. Waliwo ekyatuukawo?
**Makaayi:** Waayitawo ennaku ntono ne nfuna essimu okuva ewa difensi n'ang'amba nti, Okello yali azzizza omusango mu bitundu by'e Ggaba.
**Muwaganya:** Yagamba musango ki?
**Makaayi:** Yang'amba nti, yali asse abaana ku ssomero erimu e Ggaba.
**Muwaganya:** Otyo....
**Makaayi:** Yang'amba banneetaaga awaka era ng'ende ne kkopi y'ebisumuluzo era nasanga poliisi ku nnyumba.
**Muwaganya:** Kiki ekyaddirira?
**Makaayi:** Bansaba okugguławo ennyumba.
**Muwaganya:** Okello yaliwa?
**Makaayi:** Yaliwo nga bamutaddeko empingu.
**Muwaganya:** Lwaki Okello teyaggulawo?
**Makaayi:** Yabagamba nti, ekisumuluzo yakisudde. Nababuuza lwaki baagala okuggulawo ne bang'amba baali baagala kwaza nju.
**Muwaganya:** Waggulawo?
**Maakayi:** Engeri Okello gye yaliwo, ne LC naggulawo ne baggyamu ebintu ebimu. Baali babiwandiika ne babipakinga era olwamaliriza ne babifulumya.

Ennyumba ne bagiggalawo ne bagenda n'ebintu ebyo ne Okello.
**Muwaganya:** Nga bamaze okukebera, waliwo kye baasaba okukola?
**Makaayi:** Bandagira okuteeka omukono ku kiwandiiko kwe bawandiika bye baali bazudde nga babitwala.
**Muwaganya:** Olina by'ojjukira kw'ebyo bye baatwala
**Makaayi:** Nzijukira ebimu. Laptop bbiri, flash, fayiro eyalimu empapula, ebiso sijjukira muwendo mutuufu, amasimu 2. Byebyo.
**Muwaganya:** Waliwo ebiwandiiko by'ojjukira.
**Makaayi:** Kwaliko ppaasipooti bbiri nga zombi za America
**Muwaganya:** Ekiwandiiko ekyo okijjukira?
**Makaayi:** Nzijukira omutwe gwakyo.
**Muwaganya:** Ng'oggyeeko omutwe, kiki ekirala?
**Makaayi:** Sijjukira.
**Omulamuzi:** Wassaako omukono?
**Makaayi:** Yee nassaako omukono.
**Muwaganya:** (Amuwa ebiwandiiko) kebera ku ndagaano eyo n'ekiwandiiko kya 'search'.
**Muwaganya:** Ekiwandiiko okitegedde?
**Makaayi:** Yeee.
Muwaganya: Kiriko nnaku ki?
**Makaayi:** April 3, 2026
**Muwaganya:** Wassaako omukono nga nnamba ki?
**Makaayi:** Nga nnamba mwenda.
**Mulamuzi:** Ebiwandiiko biteereddwa ku fayiro ya kkooti nga ekiwandiiko ky'otegedde bwe baakikuwadde.
**Muwaganya:** Ekiwandiiko LC kye yakuwa ng'oyanjuddeyo Okello baakiwa ani?
**Makaayi:** Baakiwa kkampuni gye nkolera.
**Muwaganya:** Oluvannyuma wakitwala wa?
**Makaayi:** Nakitwala ku ofiisi.
**Muwaganya:** Osobola okutegeera ekiwandiiko ekyo?
**Makaayi:** Nsobola okukitegeerera ku sitampu.
**Muwaganya:** Ate ey'obupangisa Okello gye yassaako?
**Makaayi:** Ku mukono.
**Muwaganya:** Ate ppaasipooti Okello gye yakuwa?
**Makaayi:** Ppaasipooti ngijjuukirira ku kifaananyi.
**Muwaganya:** Eky'ani?
**Makaayi:** Ekya Okello.
**Muwaganya:** Tunuulira ebiwandiiko ebyo.
**Makaayi:** Endagaano yakolebwa nga March 26, 2026, sitampu Kyanja Katumba Village.
**Muwaganya:** Genda ku kiddako.
**Makaayi:** N'endagaano y'obupangisa yakolebwa nga March 26, 2026.
**Muwaganya:** Genda ku kisembayo, kye ki?
**Makaayi:** Ppaasipooti ya Okello? Twayokyayo.
**Muwaganya:** Eyo kkopi erina ekirala ky'eraga okuggyako ppaasipooti.
**Makaayi:** Yee ssebo. Eriko Drivers license nga ya Okello.
**Omulamuzi:** Osobola okusoma amannya?
**Makaayi:** Onyum Christopher Okello.
**Muwaganya:** Ate ku ppaasipooti
**Makaayi:** Onyum Christopher Okello.
**Muwaganya:** Oweekitiibwa omulamuzi nsaba kussaamu biwandiiko bino nga ebizibiti mu kkooti.
**Kumbuga:** Nga oludda oluwawaabirwa tuwakanya okubissaamu kuba endagaano omujulizi si ye yagiwandiika, ate nga tajulira ku ndagaano eyo noolwekyo tagimanyiiko. Ebbaluwa ya LC yayokebwamu kuliko sitampu n'omukono gwa Ssentebe, tekuli mukono gwa Okello ayogerwako, Makaayi talinaako linnya wadde omukono noolwekyo temukwatako. Layisinsi evuga nayo tagirinaako mukono noolwekyo tebimukwatako.
**Omulamuzi:** Ebiwandiiko ebitali byokeseemu biruwa?
**Muwaganya:** Omujulizi yasobodde kufuna bino kuba ebitali byokye biri mu bakama be.
**Omulamuzi:** Ebiwandiiko bino sijja kubikkiriza nga bizibiti kuba omujulizi tabirinaako mukono noolwekyo tabirinaako kakwate okuggyako okubeera nga byakolebwa waali.
**Muwaganya:** Makaayi wagambye Okello yajja mu March? Okuva lwe yayingira ennyumba ne lwe baakuyita okuggulawo wali oyogeddeko naye emirundi emeka?
**Makaayi:** Emirundi ebiri.
**Omulamuzi:** Obudde bugenze ate n'abantu bakooye tujja kuddamu enkya.